# Faaza awabudde abazadde mu kuziika omuyimbi

Bya EDWARD KASIRYE



Fr. Nyanzi (akutte akazindaalo) mu kusabira omwoyo gwa Nakyazze (mu katono) e Bujumba.

BWANAMUKULU w'ekigo ky'e Mwererwe mu Ddinale y'e Matugga Fr. Anderea Nyanzi asabye abazadde okukuliza abaana ku musingi gw'eddiini kuba be bakulembeze ab'enkya.

Obubaka buno yabutisse Rev. Fr. Yowaana Batiisita Mubiru mu kuziika omugenzi Cissy Nakyazze eyabadde omuyimbi mu kkwaaya ya St. Kizito Ttikkalu ng'ono yafudde kikutuko ku Ssande.

Yaziikiddwa ku Lwokubiri ku kyalo Bujumba mu muluka gw'e Ttikkalu mu disitulikiti y'e Wakiso.

Fr. Anderea Nyanzi yennyamidde olw'eggwanga erijjudde abavubuka abangi naye nga baava dda ku bya Katonda, buli omu akola bibye. N'agamba nti, kino kye kivuddeko obumenyi bw'amateeka okweyongera nga mwe muli obutujju n'okusaddaaka abantu.

"Amaka gaweddemu ensa, buli nnyonyi ekula, egenda mu bikolwa ebitategeerekeka. Lwaki tuleka abaana baffe okufuuka ekizibu mu nsi yaabwe? Tusabe Katonda atusaasire," Fr. Nyanzi bwe yabuulidde.

Mu kuziika kuno, Mmeeya omulonde owa Munisipaali y'e Nansana, John Bosco Ssenkuuma amanyiddwa nga 'Kaanakambaata' yagasse eddoboozi ku bigambo bya Fr. Nyanzi ne yeeyama mu kisanja kino okulwanyisa ebikolwa eby'obumenyi bw'amateeka.

Nakyazze abadde muwala wa David Misango, ssentebe w'ekyalo Mujumba.